

Ekkubo ly'Obutuukirivu okusenziira ku Torah

Essomo 1: Katonda Ayogedde!

Okwanjula

Emirembe gibeere nammwe, ab'omukwano abampuliriza. Tubalamusa mu linnya lya Katonda, Mukama ow'emirembe ayagala buli omu okutegeera n'okwewaayo mu kkubo ery'obutuukirivu lye yatuteekerawo tufune emirembe egyannamaddala nga tuli naye emirembe n'emirembe. Tulina essanyu okuba nti tusobola okukutuusaako pulogulamu eyitibwa **Ekkubo ly'Obutuukirivu**. Pulogulamu eno tugiyita tutyo kubanga mu yo tuteekateeka okuyitayita mu biwandiiko bya Bannabbi ebitubikkulira engeri omuntu atali mutuukirivu gy'asobola okufuuka omutuukirivu mu maaso ga Katonda. Lino ly'essomo lyaffe erisooka lye tutaddeko omutwe ogugamba nti: "Katonda Ayogedde."

Kansooke kusomooze. Kkubo ki ly'ogoberera—kkubo lya butuukirivu oba kkubo lya butali butuukirivu? Oyagala okumanya ekkubo ery'obutuukirivu eriva eri Katonda? Ekigambo kya Katonda mu Njiri ya Matayo 5:6 kigamba nti, *"Balina omukisa abalumwa enjala olw'obutuukirivu: kubanga abo balikkusibwa."*

Ob'olyawo eriyo abo abalowooza nti, "Ffe ekkubo ery'obutuukirivu tulimanyi. Tetwetaaga kufaayo ku biwandiiko bya bannabbi abasooka. Kyetumanyi kitumala!" Eno bw'eba nga yendowooza yo, wuliriza Nnabbi wa Katonda Sulemaani kye yawandiika mu kitabo ky'Engero 14:12 nti, *"Waliwo ekkubo omuntu ly'ayita eddungi, Naye enkomerero yaalyo ge makubo ag'okufa."*

Mu kitabo kya Katonda mu kitabo ekiyitibwa Zabbuli (mu Kulani ekiyitibwa: Zabur), Nnabbi Dawudi, kitaawe wa Sulemaani yayogera bingi ku bwetaavu bw'okumanya ekkubo ery'obutuukirivu Katonda lyeyateekawo. Yawandiika bwati (mu Zabbuli 14:1,3) nti, *"Omusirusiru ayogedde mu mutima gwe nti Siwali Katonda...Bonna bakyamyey; booonoonese empitambi wamu; Siwali akola obulungi, newakubadde n'omu."* Ne mu Abarumi 3:10,12) nti, *"nga bwe kyawandiikibwa nti Tewali mutuukirivu n'omu...Bonna baakyama, baafuuka batasaana wamu; tewali akola obulungi, tewali n'omu."* Eyo y'ensonga lwaki Dawudi yawandiika essaala eno mu Zabbuli 25:4, 5) nti, *"Ondage amakubo go, ai Mukama; onjigirize empenda zo. Onnung'amyey mu mazima go..."*

Mukama Katonda waffe bwatatulung'amyey mu kubbo ly'amazima, tetugenda n'olumu kumanya kkubo lya butuukirivu. Tujja kuba ng'omwana abulidde mu kibuga ekinene nga Kampala, oba katugambe endiga ebulidde mu ddungu. Kyokka Ekigambo kya Katonda kitugamba mu 2 Peetero 3:9 nti, *"Mukama waffe talwisa kye yasubiza, ng'abalala bwe balowooza okulwa; naye agumiikiriza gye muli, nga tayagala muntu yenna kubula, naye bonna batuuke okwenenya."* **Bannange, teri kisinga bukulu nga kumanya nti ddala oli mu kkubo ery'amazima erituuka ku Katonda.**

Mu pulogulamu zaffe zino ez'Ekkubo Ery'obutuukirivu, tugya kwekenneenya Ebyawandiikibwa nga bwebiddiring'ana mu kuwandiikibwa. Tujja kugoberera engero zabannabbi ba Katonda nga bwebazisengeka okuva ku lusooka okutuusa ku lusembayo. Ekigambo kya Katonda kirina wekitandikira ne wekimalira. (Ab'eggwanga ly'aba Wolof erye Senegal munjogera yabwe, Ekigambo kya Katonda bakirabako *omutwe n'omukira*). N'olwekyo tujja kuluva kuntono, okuviira ddala ku Katonda we yatandikira—ku ntandikwa ye nnyini.

Tujja kuyiga ebintu bingi ebikulu ebikwata ku Katonda ne Bannabbi. Tujja ku kiraba nti newakubadde bannabbi bangi abawandiika Ebyawandiikibwa Ebitukuvu, **Omuwandiisi ali omu yekka** eyawa bannabi abo omwoyo: ye **Katonda**. Ebyawandiikibwa bya bannabbi birimu engero nnyingi, naye **obubaka bumu obw'omumakati: Amawulire amalungi ag'engeri abantu gye bayinza okufuulibwa abatuukirivu mu maaso ga Katonda**.

N'olwekyo, tukusaba owulirize pulogulamu zino n'obwegendereza obutayosa. Amagezi g'Abaganda gagamba nti, "Mpolampola eyiisa obusera." Mu ngeri y'emu Katonda atugamba mu Abaebbulaniya 11:6 nti, "...ye mugabi w'empeera eri abo abamunoonya." Eri abo abamunoonya mu **mazima**, Katonda abasuubiza bwati mu Yeremiya 29:13 nti, "*Era mulinnoonya ne **mundaba**, bwe mulinkenneya n'omutima gwammwe **gwonna**.*"

Wano ku pulogulamu y'Ekkubo Ery'obutuukirivu tujja kweyongera okumanya ebifa ku Katonda n'Ekgambo kye. Omanyi Katonda bw'afaanana? Oba Setaani gye yava? Omanyi lwaki Katonda yatonda omuntu? Oba engeri ekibi bwekyayingira mu nsi ennungi Katonda gye yali atonze? Wali osomye ku byafaayo bya Nnabbi wa Katonda Nuwa n'amataba? Omanyidde ddala bannabbi ba Katonda bye bawandiika? Omanyi lwaki Ibulayimu yali ayitibwa *Mukwano gwa Katonda*? Osobola okunnyonyola, mu bwamufu, obubaka bwa bannabbi eri mikwano gyo oba abaana bo?

Emyaka nkumi na nkumi egiyise kasookanga Yobu (Ayyub mu Luwalabu) abuuza ekibuuzo mu Yobu 9:2 nti, "...omuntu ayinza atya okuba n'obutuukirivu eri Katonda?" Omanyi Katonda kye yadda mu kibuuzo kya Yobu? Omanyi engeri gy'oyinza okuba omutuukirivu mu maaso ga Katonda? Bw'oba ng'oyagala okumanya engeri Katonda gy'addamu ekibuuzo kino n'ebirala, tukwaniriza owulirize pulogulamu eno: *Ekkubo Ery'obutuukirivu*. Mazima ddala Ekigambo Kya Katonda kiggumivu, kyewuunyisa, kiramuna era kijjudde amaanyi. Kangatteko ne kino nti, Ekigambo Kya Katonda tekikisa era tekikweka kintu kyonna. Kitulagira ddala omuntu bw'afaanana. Awo Ebyawandiikibwa webigambira mu Abaebbulaniya 4:13 nti, "*So siwali kitonde ekitalabika mu maaso ge: naye ebintu byonna byeruliddwa era bibikkuliddwa mu maaso g'oyo gwe tuleetera ebigambo byaffe.*"

Mu ddakiika zetusingazza olwaleero, waliwo amazima amakulu ge twagala twekwate. Gegano nti: **Katonda ayogedde!** Katonda asinga bonna ayogedde! Katonda ayogedde eri omuntu era Katonda ayagala okwogera **gy'oli!** Singa ofuna ebbaluwa eva ewa kabaka mu nsi eye wala, wandigisomye? Ebiba mu bbaluwa eyo obifaako? Ebigambo bya kabaka oyo obissaako omutima? Webuuzze guba gutya Katonda asinga bonna nga yayogera gye tuli!

Katonda ayogedde atya eri omuntu? Ebya wandiikibwa Ebitukuvu bitugamba mu Abaebbulaniya 1:1 nti, "*Katonda edda bweyayogeranga mu bitundu ebingi ne mungeri ennyingi eri bajjajja ffe mu bannabbi ...*" Kyekyo ddala nti emu ku ngeri Katonda gy'ayogedde eri omuntu kwekuyita mu bannabbi. Edda Katonda yalondanga abasajja abatongole okwasanguza ekigambo kye n'okukiwandiika mu bitabo (ku mizingo oba mu lungereza scrolls). Ekigambo kya Katonda kigamba mu 2 Peetero 1: 20, 21 nti, "*Nga mumaze okutegeera kino, nti buli kigambo ekya bannabbi ekyawandiikibwa tekitegeeza kukoma kw'oyo yekka. Kubanga siwali kigambo kya bannabbi ekyali kireeteddwa mu kwagala kw'abantu: naye abantu baayogeranga ebyava eri Katonda, nga bakwatiddwa Omwoyo Omutukuvu.*"

Katonda yandisobodde okukyewandiikira ye kennyini oba okukozesa bamalayika be okukiwandiika. Kyokka ekyo teyakikola. Katonda yakozesa abasajja ababulijjo okukimuwandiikira. Abasajja bano tubayitta bannabbi. Bannabbi ba Katonda balinga abawandiisi betuyita ba secretary. Katonda yatekanga

ekyo kyayagala bawandiike mu kulowooza kwabwe era ne bakimuwandiiikira. Naye kyokka Katonda yalekanga buli nnabbi okukozesa ebigambo bye mu kuwandiiika. **Katonda yabawanga ebigambo naye ate nga tajaawo bwa muntu bwa nnabbi.** Ekitabo kya Katonda tekibeeramu bubeezi bigambo biva mu ye butereevu, naye mubaamu n'ebirowooza, okusaba n'ebizibu by'omuntu nga ggwe nange. Okuyita mu ngeri gy'akolagana n'abantu, Katonda ayagala atulage engeri ze tusobola okumanya engeri y'okumusemberera.

Lwaki Katonda yawa bannabbi omwoyo gw'okuwandiiika Ebiwandiiiko Ebitukuvu? Ekyo yakikola okusobozesa abantu okumanya Katonda ky'ayagala bamanye. Katonda yayogera eri bannabbi kubanga **ayagala okwogera eri ggwe nange** ng'ayita mu ebyo bye baawandiika! Ebyo byonna Katonda bye yayogera okuyita mu bannabbi be, byamagoba gyetuli ffe abalamu olwaleero. Katonda ffenna atusuubira okumanya **obubaka** bwa bannabbi.

Obolyawo abamu balowooza nti, "Aa! Ssetaaga kumanya Bannabbi abasooka byebawandiika. Ebigambo byabwe si bikulu gye ndi.

Buli nnabbi yalina omulimu gweyajja okutuukiriza. Nnabbi yajjanga era olwamalanga ekimutumiddwa ng'ebibye biggwa. N'omulala n'ajja natuukiriza ekimutumiddwa bwatyo naye n'agenda. Kale bwebatyo nga bajja ne bagenda. Ffe abalamu olwaleero tetweetaaga kumanya bannabbi abasooka byebaagamba?" Eno y'endowooza yo? Munnange kankubbireko nti ebirowoozo bya Katonda tebikikiriziganya na ndowooza ng'eyo. Wuliririza Mukama Katonda ky'agamba,

Mu Matayo 5:18-19 agamba nti, *"Kubanga mbagamba mazima nti Eggulu n'ensi okutuusa lwe biriggwawo, ennukuta emu newakubadde akatonnyeze akamu ak'omu Mateeka tekaliggwawo, okutuusa byonna lwe birimala okutuukirira. Kale buli anaadibyangana erimu ku mateeka ago wadde erisinga obutono era anaayigirizanga abantu bw'atyo, aliyitibwa mutono mu bwakabaka obw'omu ggulu: naye buli anaagakwatanga era anaagayigirizanga, oyo aliyitibwa mukulu mu bwakabaka obw'omu ggulu."* Okwo gattako ne kyagamba mu 2 Timoseewo 3:16 nti, *"Buli ekyawandiikibwa kirina okulung'ama kwa Katonda, era kigasa olw'okuyigirizanga, olw'okunenyanga, olw'okutereezanga, olw'okubuulira okuli mu butuukirivu."*

Kya mazima byonna bannabbi bye bawandiika bya mugaso munene, kubanga baabiwandiiika abantu ba buli mulembe basobole okumanya ekkubo ery'obulokozi Katonda lye yateekawo. Nkubuuza, Omanyi bannabbi ba Katonda bye bawandiika? Katonda ayagala tumanye Ekigambo kye, tukikikirize era tukigondere! Ebyawandiikibwa bitugamba mu 2 Peteero 1:19 nti, *"Era ekisinga obunywevu tulina ekigambo kya bannabbi; mukola bulungi okukiraba ekyo, ng'ettabaaza eyakira mu kifo eky'ekizikiza, okutuusa obudde lwe bulikya emmunyeenye ekeesa obudde n'eyaka mu mitima gyammwe."*

Kituufu nti oluusi n'oluusi tuwulira abalwanyisa Ekitabo kya Katonda nga bagamba nti, "Teri ayinza kukyesiga! Kijjudde ensobi. Kyakyusibwa!" Kyokka kiri nti, **alwanyisa Ekigambo Ky'amazima aba alwanyisa Katonda yennyini.** Aba Wolof bageereesa nti, "Eggi teryandimegganye na jjinja." Ekigambo kya Katonda ly'ejjinja, omuntu ly'eggi. Omuntu tasobola kukyusa Kigambo kya Katonda, kyokka Ekigambo kya Katonda kisobola okukyusa omuntu. Katonda mukulu era asobola okukuma Ekigambokye Eky'emirembe gyonna. Ekyo Mukama Yennyini kye yagamba mu kitabo ekimanyiddwa ng'Enjiri (Ekulaano kyeyita *Injil* mu Ruwarabu ekitegeeza, "Amawulire amalungi"). Mu Matayo 24:35 Katonda atugamba nti, *"Eggulu n'ensi biriggwaawo, naye ebigambo byange tebiriggweerawo ddala."*

Abantu bangi bagezaako okulwanyisa Ekigambo kya Katonda lwakuba kyolesa embeera y'emitima gyabwe. Wulira Katonda ky'ayogera ku Kigambo kye. Mu Abaebbulaniya 4:12 agamba nti, *"Kubanga ekigambo kya Katonda kiramu, era kikozi, era kisala okusinga buli kitala kyonna eky'obwogi obubiri, era kiyitamu n'okwawula ne kyawula obulamu n'omwoyo, ennyingo n'obusomyo, era kyangu okwawula okulowooza n'okufumiitiriza okw'omu mutima."*

Ddala Ekigambo kya Katonda kiramu era kikozi, kyogera eri omutima. Ebyawandiikibwa Ebitukuvu bireeta wamu ebiwandiike ebisinga obukadde mu nsi, kyokka nabulikati bikyakwata ku bulamu bwa buli muntu. Teri kisinga Kigambo kya Katonda bukulu. Kyokka Ekigambo kya Katonda kiringa omuceere n'eby'ennyanja. Ffeenna tukiriza nga Abasenegali nti ekyo kyakulya kiwoomu era kigasa emibiri gyaffe. Naye okujjako nga nkiridde tekilina mugaso gyendi. Nteekwa okukirya. Mu ngeri y'emu nteekwa okwenyigira mu Kigambo kya Katonda, ekiriisa omutima gwange, bwemba njagala kingase. Eno y'ensonga lwaki Katonda agamba mu Matayo 4:4 nti, *"...Omuntu tabanga mulamu na mmere yokka, wabula na buli kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda."* Okwo n'agattako mu Matayo 5:6 nti, abo bokka **"abalumwa enjala n'ennyonta** olw'obutuukirivu" be balikkusibwa. Olina enjala ku Kigambo kya Katonda? Ekigambo ddala mmere ate emmere ewooma. Si mmere ya kuliisa mubiri gwo, naye emmere eriisa omutimagwo n'omwoyo.

Kale tukugamba ggwe atya Katonda era assaamu Ekigambo kye ekitiibwa nti: ffuba nnyo n'obumalirivu okugoberera pulogulamu eno *Ekkubo ly'Obutuukirivu*. Mu ngeri eyo ojja kweyongera okumanya ki Katonda kyeyayogera edda ng'ayita mu bannabbi be, oyige n'okuyiga engeri gy'osobola okuba omutuukirivu mu maaso ga Katonda Omutukuvu. Katonda ayogedde—Katonda ayagala kwogera naawe.

Nga tetunnakusiibula olwaleero, twetaaga okutangaaza ekintu ekirala kimu. Mu pulogulamu zaffe tetujja kwesigama ku kintu kyonna oba omuntu yenna okujjako ekyo ekisangibwa mu Byawandiikibwa bya bannabbi ba Katonda. Ffe abategeka pulogulamu zino tetulina kyetumanyi ku mazima ga Katonda okujjako ekyo Katonda kyatubikkulidde mu Byawandiikibwa Ebitukuvu. Ekyo Yokaana mutabani wa Zakaliya, ky'ayasanguza mu Njiri (Injil) kya mazima. Atugamba mu Yokaana 3:27 nti, *"...Omuntu tayinza kuganya kigambo kyonna wabula ng'akiweereddwa okuva mu ggulu."* Tetusobola kwesigama ku kumanya kwaffe. **Twesigama ku Kigambo kya Katonda kyokka.** Kye twagala kwe kumanyisa abantu kiki Katonda ky'agamba mu Kigambo kye kyeyayisa mu bannabbi.

Omanyi Katonda kyeyagamba mu Biwandiiko bya Bannabbi? Oli mu abo abalumwa enjala n'ennyonta ku Kigambo kya Katonda n'obutuukirivu obwa nnamaddala? Mu Kigambo kye Ekitukuvu, Katonda atweelaze wamu n'ekkubo ettukuvu ery'obulokozi. Tukwaniriza ojje twekkaanyize wamu Ebyawandiikibwa Ebitukuvu wano ku pulogulamu eno *Ekkubo ly'Obutuukirivu* olyoke otegerere ddala kiki Katonda ky'agambye. Ekigambo kya Katonda kitugamba mu Abaruumi 15:4 nti, *"Kubanga byonna ebyawandiikibwa edda, byawandiikibwa kutuyigiriza ffe, tulyoke tubeerenga n'okusubira olw'okugumikiriza n'olw'okusanyusa kw'ebyawandiikibwa."*

Mikwano gyange, mwebale kuwuliriza. Mu pulogulamu yaffe eneddako, Katonda ng'ayagadde, tujja kubaleetera essomo lyaffe ery'okubiri lyetutaddeko omutwe ogwebuuzza nti: "Katonda Afaanana Atya?"

Mukama akuwe omukisa nga bw'olowooza ku ngeri gy'ayagala ennyo okukusembeza.

Agamba mu Isaaya 55:3 nti, **"Mutege amatu gammwe, mujje gye ndi; muwulire, n'obulamu bwammwe bunaaba bulamu."**